# KISUMULUZO

## Ekitabo ekyokusatu

**(Akatabo ak'okusoma mu kibîna ekyokusatu).**

**Rev. Will.**

1958



*Ayi Maria, Ggwe omutêfu*
*Tukwewadde ffenna:*
*Eby'essanyu, n'eby'ennaku*
*Byonna bye tulina.*

*Maria! Nkuwadde lero*
*Omubiri n'omwôyo*
*Bitwale, obifuge byombi*
*Obitûse gy'oli;*
*Bitwale, obifuge byombi*
*Obitûse gy'oli.*

# ENNYANJULA

AKATABO kano kazze okuddûkirira Kisumuluzo II we yalekera, kongere bwe katyo okumanyîza omwâna Omuganda okusoma olulimi lwe.

Bye kanyumyâko bifa ku ngero omwâna Omuganda z'awulira buli jjo ku kyôto, oba mu byafâyo by'omu nsi eno ebitasânye kwerabirwa.

Ensomesa y'akatabo kano:—

Omuyigiriza asôke anyumize abâna mu mbôzi ennyuvu ekyo abâna kye bagenda okusomako, nga ye akisavuwaza nga bw'ayinza. Obubôzi abâna bwe banakisomako mu katabo kano tibûleme kubatwâliriza.

Abâna nga bamaze okusoma ekitundu omuyigiriza ky'ayagadde, addire ebigambo ebyo ebiggya ebisangiddwa abinnyonnyole abâna bamanye amakulu gâbyo; era bwe batyo bongere okuyiga olulimi lwabwe Oluganda.

WILL.

ENDAGIRIRO


Ennyanjula ... 3
Wesirikire ... 5
Kommunio ... 6
Ekkunsa ... 7
Kalêba ... 8
Sseruku-lulengejja ... 9
Emyâka egy'obuto ... 11
Maguja ... 12
Ekyalâni ... 13
Yoanna Maria Vianney ... 14
Lule Kyesimba ... 15
E Bakka basengejja ... 16
Ennanansi ... 17
Eby'essomero ... 18
Akayimba ... 19
Omukyewaggula ... 20
Embizzi ... 22
Engabo empâla ... 23
Olusuku ... 24
Mawûba ... 26
Essâla ey'akawungêzi ... 27
Nnamulondo ... 28
Gaboggola ... 30
Sserwalirundi ... 31
Eggâli ... 33
Wanjovu ... 34
Wango ne Wambuzi ... 36
Lumansi ... 38
Mbogo-mbogo ... 39
Wango omubi ... 40
Wakibe ne Nnamungona ... 41
Wampologoma ne Wampisi ... 42
Omukwano ogwewûnyisa ... 43
Wampologoma ne Wante ... 44
Wakayima ne Wanfudu ... 46
Wakibe ne Ssekanyolya ... 47
Okulondebwa okusomesa mu Mawanga ... 48
Abalenzi mu ssomero ... 56

OKUGOLOLA ENSOBI

Ku lupapula 52:

Awali:— Paulo: Paulo, ebbaluwa ya mâma ogitadde wa?
soma nti: **Paulo: Yoanna, ebbaluwa ya mâma ogitadde wa?**





# WESIRIKIRE

**Omwâna akâba.**
**Maria asîsîtira akâna.**
**Maria tayagala akâna kakâbe.**
**Maria asirisa akâna ng'akayimbira.**
**Agamba bw'atyi, nti:**

> **"Mwâna wa nnyabo, wesirikire!**
> **Kye nnâlyâko nnâkuterekera!**
> **Ba! akaliga kânywa taba.**
> **Ba! akaliga kânywa taba.**

**Omwâna awuliriza akayimba.**
**Omwâna asirika.**
**Omwâna ayagala akayimba akanyuma.**
**Maria yesîmye**
**Akâna kasirise.**



## KOMMUNIO

**"Mukwâko mulye,**

**Kiño gwe mubiri gwange.**

**Mukwâko munywe,**

**Kino gwe musâyi gwange"**

Yezu bwe yagamba. Yezu Katonda. Nzikiriza!
Paulo asanyuse nnyo; ne Paulina asanyuse.
Enkya bagenda kusembera.
Enkya bagenda kufuna Yezu.
**Yezu Katonda eyefûla omuntu.**
Paulo ayambadde bulungi; Paulina ayambadde bulungi naye.
Wamma besîmye,!

---

*Asembera afuna ani?*
*Asembera afuna Yezu Kristu.*



## KKUNSA

"Wasimattuka kkunsa?"
Enjogera eyo ogimanyi? Omanyi ky'etegêza?
Wali owulidde ku "Kkunsa"?
Kkunsa yali mumbowa.
Abambowa be bantu abâlinanga omulimu gw'okutta abantu kabaka be yayagalanga okutta.
Kkunsa yalinga mukulu wa bambowa. Kkunsa yafuganga abambowa.
Abambowa be yafuganga bayitibwa Batamanyangamba.
Kkunsa yeddiranga Ngabi. Engabi gwe muziro gwe.
Yalya Ekitamanyangamba ku mirembe gya Ssekabaka Ssûna II.
Kkunsa yali mukambwe.
Kkunsa yattanga abantu.
Kkunsa yali talwîsa kutta musibe gwe bamuwadde kutta.
Tiyakwâtanga ku musibe n'alya mmere. Tiyakwâtanga ku musibe n'awona.
Abantu bâmutyanga nnyo.
Oli okukwâtibwâko Kkunsa n'awona, ng'alula!
Abantu bâkulisanga nnyo omuntu eyasimattukanga amâla ga Kkunsa.
Bâmuwanga ebintu bingi nnyo.
Oli bw'alya ennyo, kye bava bamugamba nti: "Wasimattuka Kkunsa?".
Abambowa bâyambalanga mu bulago olusamba olw'ekyûma ate ku mâso abamu bebikkangako ekintu ekyâyitibwanga "endogabukadde": abantu be bâkwâtanga, naddala ab'okutta, baleme kubekkânya.



## KALEBA

Ssemusajja agenda, Kalêba!
Gamba ab'eka eyo, Kalêba!
Mbadde emugga eyo, Kalêba!
Nsanzêyo ekinyonyi, Kalêba!
Kyambadde ensimbi, Kalêba!
Ensimbi n'obutîti, Kalêba!
Kyo! Kyo ki? Kalêba! Kyûka n'ondêba, Kalêba!



Oluyimba olwo olumanyi?
Oluyimba olwo wali oluwuliddeko? Lwa lufumo.
Omanyi olufumo? Omanyi okufuma?
Ekinyonyi kyâyimbanga bwe kityo.
Ekinyonyi kyâyimbanga bulungi.
Abâlinga batwâla ebita n'endeku, bwe bâkyûkanga okukiraba ng'ebita bigwa nga byâtika.
Akakôkolo kokka ke kâguma.
Akakôkolo tikâkebuka mabega!
Akakôkolo kâsobola ekyâli kiremye abalala.
Kêtwâlira omuwala.
Kubanga bâli bagambye nti atâkyûke ng'awulidde ekinyonyi ekiyimba, y'anatwâla omuwala oyo.

---


## SERUKU LULENGEJJA

Abaganda balina emiziro.
Abaganda beddira emiziro.
Omuganda talya muziro gwe. Ke kabonero ab'enda emu kwe bêtegêrera.
Wali olabye ku be bayita "Mukîbi?".
Abetûma Mukîbi beddira Lugave.
Mukîbi ye jjajja w'ab'Olugave.
Olugave: Kasolo, kalina nnyo ensonyi.
Mukîbi ye Jjajja w'ab'Olugave.
Olugave kaba kasolo: kalina ensonyi nnyingi.
Mukîbi ye Jjajja w'abantu abeddira Olugave.
Kintu ye Ssekabaka omubereberye ow'e Buganda.

Kintu yasanga Mukîbi ku lusozi Wassozi.
Wassozi, lusozi; luli mu Ssaza Busiro.
Omanyi amasaza agali mu Buganda? Gali amakumi abiri.

Mukîbi yatambula n'atûka ku lusozi Katende.
Mukîbi yava Kapêka n'agenda e Katende.
Katende kasozi kalungi; Mukîbi yakasîma.
Mukîbi yagamba nti: "Ndigwa wano; E Kapêka bazzangayo luwanga".
Kwe kwâva erinnya: Ndugwa (Ndigwa).
N'alêga n'engoma; bwe bâgikubanga, nga egamba nti: "Wano we ndigwa".
Omubala gw'ab'Olugave kwe kugwôgeza nti: "Lwa Ndugwa, lwa Katende".
Mukîbi olumu yalinnya omutuba.
Omutuba kwâliko oluku. Oluku lwâli lulengejja.
Mukîbi yayagala okulya amalêre. Amalêre buba butiko.
Abantu bâmugamba nti: Omutaka, oluku lujja kukukuba!
Mukîbi yaddamu nti: Nja kulwêwoma.
Oluku lwawanattuka, ne lukuba Omutaka.
Omutaka Mukîbi yagwa nnyo.
Mukîbi yagamba nti: Abâna n'abazzukulu tibalyânga amalêre.
Amalêre gâli gassizza Mukîbi.
Amalêre gâfûka Kabbiro k'ab'olugave.
Mukîbi yakuba n'omubala omulala, yayagala okujjukira oluku.
Omubala gwâgamba nti: Seruku lulengejja: simanyi lulingwîra!
Otegedde ensibuko y'emibala egyo?





## EMYAKA EGY'OBUTO

Bwe nnazâlibwa nnali katono nnyo.
Bampima ku minzâni, nga mpeza latiri 7 zokka.
Kitange ne nnyabo bâsanyuka.
Bâmbatiza nga ndi wa nnaku 3.
Bântûma erinnya lyange egganzi.
ERINNYA ERYO bâlyongera ku lya jjajja lye yannondera.

Jjajja anjagala.

Bwe nnava ku mabêre, ne bantwâlayo.

Nnakulira wa jjajjange.

Bwe nnaweza emyâka 8 ne ndaga mu sukûlu. Kati nnina 13.

Mu sukûlu njiga okusoma eby'eddîni.

Eddîni gwe mulimu gwange ogw'okuwêreza Katonda wange.

Njiga okubala 1, 2,- 3, 20, 30, 125, 1958.

Njiga okusoma ebitabo; bwe ndiba nkuze, mbêre wa mugaso.

---


## MAGUJA

Ye Maguja yali ayita,
Ng'omwâla guli kumpi,
Ng'akutte ogufi nnyini!
Obutamanya bwe bugenda!!
Amaddu ne gamutta,
Ng'ayagala alye bibiri:
Ekikye n'eky'oli
Gwe yalaba munne we! (1)
N'ayasama mbu amulume.
Ne ky'alina kyâgwa muli,
Ne ky'ayoya ne kimusuba.

---

(1) Embwa yalaba ekisîkirize kyayo mu mazzi, n'ekiyita embwa endala; n'erowôza nti nayo etwâla ekifi ekirala. Kwe kwâgala okukigisikako.






## EKYALANI

Tâta yantwâla mu katale.

Twâyingira mu ttundiro.

Mu ttundiro mwâlimu Omuyindi.

Omuyindi yali tayogera bulungi Luganda.

Tâta yali ategêra Omuyindi ky'agamba, nze nga sitegêra.

Tâta yagulayo olugoye.

Omutunzi yatunga olugoye ku kyalâni.

Bwe nnaddayo eka nnasanyuka nnyo.

Nnamwebaza kubanga yampa olugoye oluggya nga lutunge ku kyalâni.

Ekyalâni kye kyûma kye beyamba okutunga amangu engoye.

## E BAKKA BASENGEJJA

Bakka, linnya lya lusozi; luli mu ssaza Busiro.
Bakka bwe butaka bw'ab'effumbe.

Mbu edda bâluyitanga Kisiri-kikadde.
Bagamba nti: Abâli balumba Kagulu Tibuchwereke okwo kwe bakkira.
Abâbalaba kwe kwôgera nti: "Bâbo bakka".
Erinnya Bakka mbu awo we lyâva.

Walusimbi ye mukulu w'ekika ky'effumbe.
Na gano mannya ge: Buganda-Ntege-Walusimbi.

Mugema ye mukulu w'Ekika ky'Enkima.
Mugema yalêga engoma, n'agikuba.
Engoma yagamba nti: "Sennya enku twôkye ennyama".
Walusimbi yayanguwa okugenda ewa Mugema.
Walusimbi yali ayagala okulya ku nnyama empujje.
Yatambulira bwerêre. Ewa Mugema tiyasangayo nnyama.
Walusimbi yanyîga.

Ne Walusimbi yasala gano: Yalêga engoma n'agikuba.
Engoma ya Walusimbi yagamba nti: "E Bakka basengejja".
Mugema yali ayagala nnyo okunywa omwenge.
Yagenda e Bakka okunywa omwenge.
E Bakka tiwâliyo mwenge.

Mbu olw'okubêra ekyo, ab'effumbe kye bava bakuba omubala gwabwe, ne gugamba nti.


"E Bakka, basengejja".





## ENNANANSI

**Ennanansi ewôma.**
**Nnali nkyâli muto, nnalya ku nnanansi.**
**Abakulu batugâna okulya ennanansi.**
**Bwe zikula bazitwâla mu Bazungu;**
**Bazitwâla ku Kibuga ne baggyamu sente.**
**Sente zigula emigâti, omunnyo, ne sukâli.**
**Ennanansi ewôma nnyo.**
**Ennanansi ngyagala.**




# EBY'ESSOMERO

Oba oli awo nga batuwa omuyigiriza.
Bwe mpandîka, ntûla bulungi.
Bwe mba mpandîka, ntûla nnesimbye.
Ekkalâmu ngikwâta bulungi.
Nze mpandîsa kkalâmu; Paulo awandîsa kafumu.
Nnina ekitabo ekiwandîkibwâmu.
Nnina n'ekitabo ekisomebwâmu. Mmanyi okusoma ekitabo.
Ebitabo ebiwandîkibwâmu nnina bisatu: eky'okuwandîkamu, eky'okubala n'eky'okufunza.
Omuyigiriza waffe mulungi: wa kisa, ayigiriza bulungi.
Abayizi bâgala omuyigiriza wâbwe.
Omuyigiriza ayagala abayizi be.



## AKAYIMBA.


Eby'okuyiga bino ebya lêro, wajjangala,
Eby'okuyiga tibitendeka, wajjangala.
Bwe mba ewaffe ne ngera ku budde, wajjangala,
Nga bwe bûbwo ne nkunya emisinde,
Tuyingira ne tusoma akasâla,
Tutûla ne tubaza omutwe ogwo,
Oba oli awo nga batuwa okufunza,
Bwe tuvâmu ne tukwâta akakumbi,
Ku mwenda ne batuwa akapîra,
Olutûka ne tubuna ekisâwe,
Ne twetawula nga tulaga eno n'eri,
Bwe butûka ne tuddayo muka eyo.
Ne tuddamu ne tusoma ebifunze.
Abagayâla be bagwa ebibûzo,
Eby'okuyiga byannema okutenda,
Tufube tetulina gaswâla.



# OMUKYEWAGGULA

Abantu abamu tibamanyi ddîni ya mazima.
Abantu abamu tibayagala ddîni ya mazima.
Abalala bakyâwa eddîni ey'amazima, bagiyigganya.
Mu nsi China waliyo abasoma eddîni ey'amazima.
Bo bamanyi nti: Katonda ye yatutonda n'atussa mu nsi, bamanyi nti: ensi eggwâwo, eggulu tiriggwâwo, bamanyi nti: Yezu ali mu klezia, basinza Yezu ali mu Tabernakulo.
Naye omukyewaggula takkiriza ddîni ya mazima.
Omukyewaggula tayagala ddîni ya mazima.
Omukyewaggula ayigganya eddîni ey'amazima.
Olumu, eyo mu China, omukyewaggula yaddira emmundu,
Omukyewaggula yassa ekyasi mu mmundu.
Yagenda mu klezia n'akuba emmundu mu Tabernakulo.
Olwassa emmundu wansi, yagwa eri n'afa.
Omukyewaggula yayagala okutta Katonda.
Katonda mulamu, Katonda tafa, Katonda taggwâwo.
Katonda yabonereza omukyewaggula.
Katonda tazannyirwâko.
Bw'ogendanga mu klezia, oterêranga bulungi.
Katonda eyatutonda abêra mu Tabernakulo.





Yezu wange Tabernakulo,
Ye nsîsira yo mw'obêra,
Emisana era n'ekiro,
Ng'omaze okwetambira.
Mukama wange, nga nkwegomba
Va mu Tabernakulo yo;
Nje nkufune mu bwa Komunio
Ng'onjijira mu kifuba.

# EMBIZZI

Yezu ye Katonda.

Yezu yasanga omusajja.

Omusajja yalimu amasitani. Amasitani gâli gakutte omusajja oyo. Yali afûse nga kisolo, ng'asula na bwêru.

Yezu bwe yamubûza nti: Ggwe ani? Amasitâni agâli mu musajja ne gagamba nti: "Tuli Ggye"; kubanga gâlîmu mangi nnyo.

Yezu yagagamba nti: Mumwâmukeko, mumuvêmu mangu!

Amasitâni gâlajana; gâgamba nti: Tuwe olusa tugende mu mbizzi. Amasitâni gâtya okudda mu muliro nga tigalina gwe gabonyabonya.

Yezu yagakkiriza nti: Mugende.

Amasitâni gâyingira mu mbizzi.

Embizzi zâtâlûka, embizzi zadduka; zonna ne zeyiwa mu nnyanja.

Embizzi zonna zatokomoka.

Bannannyini mbizzi tibâsanyuka.

Omusajja Yezu yamuwonya amasitâni.



# ENGABO EMPALA

Ssekabaka Jjunju ye yawangula Buddu.

Edda ennyo Abanyoro be bâfuganga Buddu.

Kajabaga ye yakulembera Abaganda n'abasomosa Katonga.

Kajabaga yali muddu wa musajja Muguta.

Muguta yabêranga Birongo mu Buddu.

Muguta yatya Abaganda n'adduka.

Luyimbazi mutabani wa Muguta ye n'atta ne Jjunju omukago.

Omulangira Kattakkesu ow'e Ssakabusolo ye yatwâliriza Jjunju okulwânyisa Abannabuddu.

Kattakkesu naye yalulimu.

Be bâgoba Mukudde Bwakamba eyabêranga e Buggya.

Kattakkesu bâmutwâla bubi emisinde ne bamwêrabiza engabo ye empâla.

Engabo gye bayitanga "empâla" ogimanyi?

Engabo empâla y'eyo gye bâbajjanga mu muti omwerêre, ne bataluka nduke na njulu oba amawulugungu.

Ekyâlo Kattakkesu mwe yaleka engabo ye kati kye bayita Kiwâla, mu Buddu, okumpi ne Masaka.

Kattakkesu bâmuttira Mazinga, era gye yazîkwa.

Ebyo ab'edda bye bawanûza.



## OLUSUKU

Oli Muganda? Ne bw'otoba Muganda omanyi Omuganda bw'ayagala ettôke.

Ettôke mmere nnungi, ebuguma munda.

Ebitôke biba bya mbala nnyingi: ebya nkago ebisogolebwâ-mu omwenge, n'eby'amatôke agalyîbwa emmere: Kibuzi, Nnakitembe, Nnamwêzi, Nnakabululu, Sîra, Muvubo, Nnamunwe, Mbwazirume, Nnakyetengu, Nnamulondo, Ndyabalangira, Ntikka, Lusumba, Nnakamâli, Kafunze, Nnakakongo, Mukubakkonde, awôma empogola.



Enkolokolo edda zâlyîbwanga okw'enjala.

Emitutumba abâna bagizannyisa gogolo.

Ebyâyi bisiba amatu, bye biranga n'emiguwa egisiba embuzi ku nsiko.

Eggalwa erizigula ebintu.

Engogo zirembeka amazzi ku mituba.

Ebigogo ebikube bye banâbisa omubiri, bye bakuba ku kkonero.

Ebinyirikisi lye ddagala erinyiga ebigere, ebirwadde.

Emizingônyo egiyalîrirwa mu ntamu emmere n'etabiririra.

Obukêdo obuluka ebibbo, endagala ezisânika emmere; enna-mu mwe bakola empombo: "Oluwombo lukira ekibya".

Essanja eribabula obusolo, lye libabula n'endagala, libikka n'amalâlo n'ensuku.

Empummumpu ezifûka ente z'abato.

Ebiwata ebigezza Nnakabege ku nkondo.

Ebiwottonono n'obunûnansubi ebiba ku mpummumpu.

Ebikolokomba ebikuba amalippo.

Olugemu olulumika; luba lukyâli ku kitôke baluyita mubumbu (olulagala olutanneyanjuluza).

Byonna ebyo biva ku kitôke.

Katonda eyakituwa yebale.

## MAWUBA

Mawûba linnya kkulu mu b'emmamba.

Mawûba ye mutaka w'e Busunju.

Ku mirembe gya Ssekabaka Kagulu, Mawûba yakola ekijjukirwa.

Ssekabaka Kagulu yali mukambwe nnyo.

Abantu bâgambanga nti: Obuganda tibukyâsoboka (Tibuchwereke).

Abalangira Kikulwe ne Mawanda ne mwannyinabwe Nassolo Ndege, bâli badduka Kagulu, bâli batya okuttibwa. Bâli bagenda Bunyoro.

Mawûba yabayimiriza. N'abakwêka mu maka ge.
Mawûba yakola bulungi.

Abalangira bwe bâkula, Mawûba n'atta nabo omukago.
Abalangira bâlumba Kagulu ne bamugoba; abantu bonna bâli bakyâye Kagulu
Abantu bâsanyuka nga agobeddwa.
Obwakabaka ne babuwa Kikulwe.

Mawûba bw'atyo yazza abalangira e Buganda.
Kye bava bagamba nti: Olizza ebigenda, **Mawûba** bye yazza e Busunju.

Mawûba yakûmako ne ku bwakabaka.
Ab'emmamba ab'omu ssiga lye olûsi kye bava beyita Abalangira.

---

*"Abantu bôgera nti: Toli wa mmamba, oli mulangira".*
*Olwo baba bategêza kiri Omutaka Mawûba kye yakola.*



## ESSALA EY'AKAWUNGEZI

Katonda Mutonzi wange,
Nkwebaza ebirungi byonna,
By'ompadde mu mwôyo gwange,
N'okûma obulamu munda.
Nze nkusaba: Baganda bange,
Obakûme bakwâgalenga,
Emisana: abali ku mwenge,
N'eggulo enjuba ng'egwa.
Amîna.

# NNAMULONDO

**Entebe** ya Kabaka w'e Buganda kw'ayima **okulamula** Obuganda eyitibwa NNAMULONDO.

**Entebe** eyo yatandika ku Ssekabaka Mulondo, **Mulondo** mwâna wa Ssekabaka Nnakibinge.

**Ssekabaka** Nnakibinge yafîra eyo mu bunnya; **obunnya** yabugwamu ng'ayigga.

**Mulondo** yali mwâna muto; yali mwâna muto nnyo, nga tannatûka kufuga Buganda.

**Bâmukolera** ekitebe kw'aba ayimirira abantu **bamulabe.**

**Ab'obutiko** be bâbajja entebe eyo.

**Ab'obutiko** bâli Bajjajja ba Ssekabaka Mulondo.

**Entebe** gye bâbajja y'eyitibwa NNAMULONDO.

**Kabaka** alinnyako nga bamusumika.

**Bagiyita** Nnamulondo kuba yali ya Kabaka **Mulondo.**

**N'ab'obutiko** batûma erinnya Nnamulondo.

**Ekirala** ekyatandika ku mirembe gya Ssekabaka **Mulondo** okimanyi?

**Ge** mazina ab'obutiko ge bazinira Kabaka.

**Amazina** ago bagayita Maggunju kuba **ab'omu nda ya** Ggunju ow'obutiko, omutaka w'e Bukalango be baga-zina.

**Bâsôka** kugazinira Ssekabaka Mulondo nga **kikyâli kito** okukisanyusâmu.

**N'okutûsa** kati bakyâgazina.



**Ssabasajja Kabaka Mutesa II ng'atudde ku Nnamulondo.**

# GABOGGOLA



Wali owulidde ku linnya eryo 'Gaboggola'?

Ekintu ekinene ennyo bakiyita Gaboggola!

Gaboggola linnya lya kikere.

Ekikere Gaboggola kyabêranga Nnamugongo.

E Nnamugongo gye battira Abajulizi baffe 22.

Ssekabaka Mwanga ye yabatta. Yabalanga kusoma!.

Ekikere Gaboggola kye kyâli kisala emisango.

Abantu ab'okutta bâtwâlibwanga ewa Gaboggola.

Embuga ya Gaboggola nga y'esemba okubasalira omusango.

Abambowa bâtûsanga Abasibe awali ekikere Gaboggola.

Abâmbowa bâyitanga Gaboggola nti: "Gaboggola, Gaboggola, tulêse abasibe ab'okutta"!

Gaboggola bwe yavangayo n'atunula ku basibe ng'abasibe abo battibwa.

Gaboggola bwe yagânanga okuvâyo, abasibe nga bejjêredde.

Gaboggola kyâli kikere bukere.

Gaboggola kyâli kikere kinene.

Gaboggola yasinganga ne lugogoma obunene.



# SSERWALIRUNDI...

Ssûna I. Kabaka w'e Buganda.

Yafuga Obuganda nga Jjemba amaze okukisa omukono.

Kabaka okufa bakuyita "Kukisa mukono", oba kuggya mukono mu ngabo.

Ssekabaka Jjemba yawangâla nnyo. Yalêga engoma ye n'agikuba.

Engoma ya Jjemba yavuganga nti:
"Aloga, aloge;
Jjemba alifa bukadde!".

Jjemba oyo ye yasikirwa Ssûna I.

Ekibuga kya Ssûna kiri ku lusozi Jjimbo.

Jjimbo luli mu Busiro; okumpi n'e Sentema.

Ssûna yayagalanga nnyo emizannyo.

Ssekabaka oyo yayagalanga nnyo ekigwo.

Olwatûka n'awakanya omusibe.

Ssûna yagamba omusibe nti: Musajja ggwe tonkuba kigwo..

Omusibe yasôka kutya.

Kabaka yagamba omusibe nti: Jjangu mu kigwo.

Omusibe n'akkiriza. Ssekabaka n'alagira okumuttira ente alye bulungi, aleme kugamba nti: amumezze lwa butalya.

Omusibe yakwâta Kabaka ekigwo.

Omusibe yakuba Kabaka ekigwo.

Ekigwo kyâli kinene, n'ejjinja ne lyâsa Ssekabaka omutwe.

Omusibe yamegga Kabaka ku jjinja.

Abâliwo bâkwâta omusibe. Bâli bâgala kumutta, Kabaka n'abagâna.

Yagamba nti: Omusibe talina musango. Tubadde tuzannya buzannyi. Mumusumulule n'okumusumulula.

Kabaka yata abasibe bonna. Yagamba nti: Timugezanga ne mulêta abasibe mu kibuga kyange.

Kwe kwâva enjogera eno nti: Sserwâlirundi, omusibe tayita Jjimbo.

Kabaka yali atya nti: Si kulwa ng'ameggana n'omusibe omulala n'amuttira ddala bussi.


E Jjimbo na buli kati bakyâkulagayo olusalosalo lwe bayita Sserwâlirundi.

Olusalosalo olwo nga tirubûkibwa na kintu nga kisibe.

Oba mbuzi, omala kugita, oba nkoko omala kugisumulula.

Olwo bâli balêsêwo muzizo.

Ekyo ekifâyo wali okimanyi?



## EGGALI

Petro:— Oyagala eggâli ?

Maria:— Njagala eggâli; njagala okumpêka ku ggâli.


Petro:— Bâli bakututteko ku ggâli ?

Maria:— Yê! bwe nnali nkyâli kato nnyo, tâta yantûzanga ku katebe ak'emabega, amagulu n'agasibira ku muti oguliko entebe kw'atudde eggâli ereme kunsala bigere.

Olûsi yantûzanga ku muti ogw'omu mâso ne nkwâta mu mayembe.

Awo nneyagalanga nnyo.

Nâwe ojje ompêkeko ku ggâli!!



## WANJOVU

Wâliwo empaka z'amazina,

Bangi bâzina: Wango, Wambuzi, Wakayima, Wanjovu, Wampisi, Wandiga.

Bonna bâzina, Wakayima n'abasinga okuzina obulungi.

Wanjovu yagamba Wakayima nti:

"Tozina okwekwênyuka! Naye nze oba ekingana okuzina ki?

Ko Wakayima, nti: "Ekikugâna okuzina obulungi, kuba oyinze obunene. Ka tukusaleko ebifi ebimu okendêreko.

Wanjovu yakkiriza.

Wakayima yasala emabega awasinga obusava.



Akambe ka Wakayima kâli kôgi nnyo. Yasala obutêbalira.

Wakayima olwatûka eka ng'akuba ısaka ng'atokosa 'kasadde'.

Wâyita ntono nga Wanjovu anyôkako nsowera; amakudde gatanye.


Wanjovu yatana nnyo!

Yatumira Wakayima omuntu, n'amugamba nti:


"Wakayima, mpêreza ebyange!! Sika kuzina! Nfa!

Wakayima tiyanyega; ye yandibiggyewa? Yali amaze okubiwemmenta.

Wanjovu n'afa bw'atyo ng'anyôkako ensowera.



*Ennangazi*



## WANGO NE WAMBUZI

Wango yasiba abâna ba Wambuzi mu kitereke.

Wango yayagala bakoddomi be bafumbe abâna ba Wambuzi babalye.

Wakayâyu ne Wankofu bâgamba Wambuzi nti: Ekiri mu ddyîro okiraba?

Ko Wambuzi, nti: Kitereke.

Ko bo, nti: Ekiri mu kitereke okimanyi? Anti Wango asibyêmu bâna bo.



Wambuzi yaggyamu abâna be, n'asibamu aba Wango.

Wango bwe yajja, yalagira Wambuzi, nti: Wetikke, tugende mu Bakoddomi bange. Wango yali amaze okugamba bakoddomi be nti: Bwe ndêtanga ekitereke, timusumululanga, mufumbanga bufumbi.

Wambuzi yetikka ekitereke. Ekitereke kyâli kizitowa.

Mu kkubo abantu bâbûza Wango nti: Otyanno Ssebo?

Wango yaddamu nti: Mubûze Wambuzi oyo eyetisse ky'atamanyi.

Bâbûza Wambuzi, Osîbye otyanno?—Wambuzi yabânukula bw'atyi, nti: Amagezi tigaba g'omu.

Bakoddomi ba Wango bâfumba ekitereke nga tibasumuluddêko. Wango yabagâna okusumululako.

Bwe bâsosôtola, nga balaba bâna ba Wango be bafumbye.

Wango yafîrwa; Wango yanyîga.

Na buli kati, Wango awalana Wambuzi!.

# LUMANSI

Lumansi, mulangira.

Yali mwâna wa Kabaka Kimera.

Kimera mwâna wa Mulangira Kalemêra gwe yazâlira e Bunyoro.

Lumansi kitâwe yamugaba okutabâla mu Kyaggwe.

Kimera yali takyesiga Lumansi, kubanga Lumansi yakisa Kitâwe Kimera omwâna gwe yali azadde mu mukazi atali wuwe.

Kimera yayisa olukwe mu batabâzi, battire Lumansi ku lutabâlo.

Lumansi yalwâna n'awangula.

Yawa abatabâzi ente nnyingi, bazitte.

Abasajja batta ente okwekulisa olutabâlo.

Bwe bâli bagaba ennyama, ne bakâyana.

Bâkâyana nnyo, ne bâgala n'okulwâna.

Omulangira yajja okulaba ebifuddeyo.

Lumansi yajja okutâsa abalwâna.

Abasajja bagwîra Lumansi ne bamutta.

Lumansi ye yali abawadde ennyama.

Kwe kwâva enjogera egamba nti:

"Agerwânyarwânya gâgala nnyini nnyama."





Embogo

# MBOGO, MBOGO



Enkula

Embogo nsolo nkambwe.

Etomera abantu n'ebatta, sso tebalya.

Embogo si nsolo ndyi ya nnyama; erya muddo gwokka.

Mbu: bw'ogwa mu lusalosalo, oyinza okuwona.

Enkula ebêra n'ejjembe limu.

Enkula nsolo nkambwe nnyo nayo.

Bagamba nti: "Ozze bukula, embogo ekyâma".

Ab'embogo balina omubala, gugamba nti:

"Kyâna kya mbogo Ssenge;
Kye ndikwâtako: Ssenge!"

Ssenge lusozi; luli mu Ssaza Busiro okulirâna Kasengejje gye bâzîka Ssekabaka Kamânya.

Ssenge butaka bw'abantu abeddira embogo.

Luno oluyimba wali oluwuliddeko?

"Mbogo, Mbogo, kyewaggula, olizâla enkambwe.
Mbogo yange eno, kyewaggula, olizâla enkambwe".

Lwe luyimba lw'abakôza. Lye linnya eriyitibwa abâna b'abâna abawala nga bazze mu lumbe lwa Jjajjâbwe.

Abâna abo mu lulyo bayitibwa "Bajjwa".

## WANGO OMUBI

Wango mubi nnyo.

Wango yalimba Wakayima. Yamugamba nti: Nga bwe tugenda okusomoka ennyanja, ggwe omutwâlo siba gwa mayinja.

Wakayima yabûza Wango nti: Amayinja gâki? Tigâzitowe?

Wango yamuddamu nti: Bw'oba owunguka ennyanja n'omala tosûlamu mayinja, togyâbula.

Wakayima yasiba omutwâlo gw'amayinja. Wango ye yasiba mmere.

Bwe bâtûka emitala nga Wango adda ku mmere kuvûnya.

Wakayima tiyamuwâko.

Wakayima yatuzza lîso.

Wango yatta embuzi.

Wango yabba embuzi eyo ku bugenyi gye bâgenda.

Yalaba Wakayima yebase, n'ajja amusîga omusâyi yenna.

Enkêra bwe bâli banônya omubbi w'embuzi, bâkwâta Wakayima.

Wango mubi nnyo.

Wango mulyâke.





## WAKIBE NE NAMU'NGONA

Namu'ngôna yalina ekibala mu kamwa.

Wakibe yegomba ekibala kya Namu'ngôna.

Wakibe yayagala okulya ekibala kya Namu'ngôna.

Namu'ngôna yali waggulu ku muti.

Wakibe yayagala okukimunyagako, naye nga tatûkayo.

Wakibe yagamba Namu'ngôna nti: Bakutenda nnyo okuyimba.

Naye nsâliddwa; kuba nze siwuliranga ku ddobôzi lyo. Kale wattu, nkwâtirâko mu ndago!!


Namu'ngôna yayasama; yayasama okuyimba.

Ekibala kyâva mu kamwa ne kigwa.

Wakibe n'akibaka, n'akifuna, n'akirya.

Wakibe yasanyuka.

Okwekuza kwe kwafîriza Namu'ngona ekibala kye.



*Empologoma*

# WAMPOLOGOMA NE WAMPISI

Empisi erina amaddu; yasika emmanvu ng'egiyita ennyama.

Wampologoma yagamba Wampisi nti: Wampisi, wekônye!"

Wampisi n'addamu nti: Yê! Ssebo, nnekônye!

Wampologoma n'agamba nti: Lwâki wekônye?

Wampisi n'addamu nti: Mbadde mu birowôzo!

Wampologoma n'amugamba nti: Obadde olowôza ki?

Wampisi n'addamu nti: Mbadde mmala galowôza ntyo, ntyo!

Wampologoma n'amukwâta, n'amutta ne bamulya.

Bâli basatu: Wampologoma, ne Wakayima ne Wampisi.

Bâlagâna nti: Anekôna awatali nsonga, nga tumulya.

Wakayima ye yasôka okwekôna!

Wakayima yalina ensonga. Yali alowôza nti: Bukya abantu bayambala mbugo, zo ezikaddiwa zidda wa?


Wakayima tibâmulya!

Wampisi yekôna!

Wampisi tiyalina nsonga!

Wampisi bâmulya!

Wampisi yalaba.



*Empisi*



# OMUKWANO OGWEWUNYISA

Omulenzi Benedicto yalaba Walugabi.

Walugabi yali asejjera.

Okugulu kwa Walugabi kwâliko ebbwa.

Benedicto yasembera eri Walugabi. Walugabi tiyaddu-ka.

Omulenzi yawewêta Walugabi, n'addira ekiwero n'asiba ekiwundu.

Buli lunaku ku ssâwa nnya Walugabi yakomangawo oku-jjanjabibwa.

Bwe yawona era n'atatanga kujja.

Benedicto yamuwanga omunnyo.—Ne baba ba mukwâno.

Benedicto yayagala Walugabi; ne Walugabi yayagala Bene-dicto.

Benedicto yatûma Walugabi erinnya nti: Ggwe Jagi.

Yasiba mu bulago bwa Jagi ekide baleme kumutta.

Abayizzi bwe bâwuliranga ekide nga bategêra nti ye Jagi.

Olumu Benedicto yayagala okugenda mu kibira okulaba Jagi.

Yali agenda, ne yesittala, n'agwa n'amenyeka okugulu.

Jagi yajja bunnambiro.

Benedicto yakwâta mu nsingo ya Jagi, Jagi n'amutwâla mpolampola eka.

Benedicto n'awona bw'atyo.

Eyekwânira akira ayomba.


## WAMPOLOGOMA NE WANTE

Wampologoma yayagala okulya Wante.

Wampologoma yalina ensonga.

Ensonga ya Wampologoma yali bw'etyi:

Omwâna wa Wante yasûla omwâna wa Wampologoma mu luzzi.



*Wampologoma*



Omwâna wa Wampologoma yafîra mu luzzi: yafa mazzi.

Wante yaddukira ewa Wambogo.

Wambogo yatya okutâsa Wante yatya Wampologoma.

Wampologoma yali asunguwadde nnyo.

Wante yatya nnyo.

Wakasanke yatâsa Wante.

Wakasanke yakwêka Wante, yagamba Wante nti: Totya.

Wampologoma yajja, Wakasanke yamukuba empummumpu mu kifuba, n'amutyîsa nti: Ofudde! Tolaba omutima ogukuvuddemu?


Yamukuba amata ne gamujjula ekifuba kyonna, n'amutyîsa nti: Nkusse! Tolaba amasira agakufumbukukamu?

Wampologoma yadduka kiwalazima.

Wampologoma yagamba nti: Ka ngende nfîre mu b'ewaffe; nzira ganâgwa ku makubo!

Wante n'awona bw'atyo.

Wakasanke ky'ava yekûkûbiza mu birâlo by'ente.



## WAKAYIMA NE WANFUDU

Wakayima mugezi, ne Wanfudu mugezi.
Wakayima yagamba Wanfudu; Wakayima yawakana ne Wanfudu.
Yamugamba nti: "Ggwe Wanfudu, tonsôka kutûka mu Lubiri!".

Wanfudu yaddamu nti: Nnyinza okukusôkayo.
Wakayima yategeka omuyonjo gw'enkoko.
Omuyonjo gw'enkoko gwâli gwa kutonera Kabaka.
Wanfudu yayingira mu muyonjo gw'enkoko za Wakayima.
Wanfudu yatûla mu muyonjo gw'enkoko.

Bwe bwâkya enkya, nga Wakayima yetikka muyonjo gwa nkoko nga ne Wanfudu atudde muli.
Wakayima yatyêkula emisinde. Yali agamba nti: Wanfudu talwa kunsôka.
Wakayima yatûka mu Lubiri, n'assa wansi omuyonjo, n'afulûta.
Wakayima yali mbu alinda Wanfudu.
Wakayima yali agamba nti: Wanfudu tannatûka.
Wanfudu yava mu muyonjo.
Wanfudu yasôka Wakayima okweyanjula ewa Kabaka.
Wakayima yaswâla nnyo.





## WAKIBE NE SSEKANYOLYA


Ssekanyolya mukwâno gwa Wakibe.
Ssekanyolya yafumbira Wakibe.
Emmere yonna yalinga mu nsumbi.
Wakibe yakoma ku ebimbye.
Wakibe yafumbira Ssekanyolya.
Emmere yonna yalinga mu ntyâtya.
Ssekanyolya yafunda ku kawôwo.

Akufumbira ey'omutwe,
Omufumbira ya birenge,
Mwembi ne mwenkanya evvumbe!

---



Ekiyita waggulu
Otega wansi:
Empungu terya bire.



Katâyi, takyâkuba ngalabi agenda Buganda.

# OKULONDEBWA OKUSOMESA MU MAWANGA

## EKITUNDU I: EKIROWOZO KIJJA.

**Kojja:**
**Omusaserdoti**
**Abâna ababiri: Yoanna ne Paulo.**

**Kojja:** Balenzi mmwe! mukola ki? (badduka ne bamusisinkana).

**Abâna:** E! Kojja! ova wa? Gy'oli? Eggulo mâma yabadde akwôgerako! Anâsanyuka ng'akulabyêko.

**Kojja:** Mugenda wa?

**Abâna:** Tugenda mu sukûlu. Ate tolaba bitabo?

**Kojja:** Ab'eka balamu?

**Yoanna:** Kitaffe yakubye nnyo emyâsi eggulo? Obwo si bulwadde?

**Kojja:** Eyo ya balangira!

**Yoanna:** Nnyaffe mmulese atunga.

**Kojja:** Ate gundi......

**Paulo:** Maria? (ayogera ne Yoanna). Wamma tumulese wa?... abadde mu kiyungu.

**Kojja:** Ate omulala...

**Paulo:** Dorotia atwôleza engoye? n'ayera n'enju? Tumulese ayala bitanda. Dola wa kisa! Bwe tuva mu sukûlu olutûka ng'akuba engatto zaffe eddagala, ng'atunâza.



**Kojja:** (yetakkuluza ku bwâna). Muleke! omuyigiriza tabakuba!

**Abâna:** Titwanguwako!?

**Kojja:** Mweraba! Mwanguwêko mangu?

**Abâna:** Yê! kale weraba. (Kojja afuluma: bwo bulaba agenze nga butûla kutongeza mayinja, na kukasuka nvumûlo). Tokuba abantu!

**Omusaserdoti:** (ava eri ng'ajja atambula).

**Abâna:** Oli ani? Oli ani ayambadde ekkanzu etukula? afânana omuwarabu omuyigiriza gwe yatulazêko mu kifânanyi.

**Omus.** Bâna mmwe!

**Abâna:** Ssebo!

**Omus.** Mukola ki awo?

**Abâna:** (Bagenda gy'ali) Tubadde tuzannya... Ova wa Ssebo? Ova mu Buwarabu? Ofânana ekifânanyi... (wamma kimulage). Ate bano bali mu Buwarabu! Nâwe ye wammwe?

**Omus.** Yê! gye nva. Nzize kukyâlako muno.

**Abâna:** Eno eriyo b'omanyi? Onôsula wa? onôlya ki?

**Omus.** Nnâlaba ow'ekisa...

**Paulo:** Wamma onojja ewaffe; mâma anâkuwa byonna.

**Yoanna:** Mu Buwarabu eriyo abantu?

**Omus.** Yê! gyêbali: bantu bawanvu nga nze, bêruyeru nga ono. (abalaga ekifânanyi).

**Yoanna:** Eyo gye muva y'eri abaddugavu? Njagala okulaba omuntu omuddugavu!

**Paulo:** Batulimba bulimbi! Teri bantu baddugavu!

**Omus.** Tibabalimba. Emmanga ng'oyise mu nsi y'ewaffe abantu bâyo baddugavu ddala. Bali nga mmwe ddala, wabula olususu: amâso ... ennyindo...emimwa ... Tolaba!? (abalaga akafânanyi)..

**Yoanna:** Nabo bannyabwe bababoggolera nga mâma?!

**Omus.** N'okusingawo! Tibâgala bâna ba kyêjo.

**Paulo:** Bwe batakuba bulungi kabonero ka musalâba bwe batyi (akakuba), bababonereza, babakuba? Oyo Yoanna jjo yaseka nga tusoma, eky'ekiro tiyakombako...

**Omus.** E,e; bo tibannaba kumanya kabonero ka musalâba.

**Yoanna:** Si babatize? Ono ye ani? (alaga ku kifânanyi).

**Omus.** Ate erinnya toliraba!? Tibalina abasomesa!


**Paulo:** Tibamanyi na "Kitaffe ali mu ggulu?!

**Omus.** Ffe tuva eno ne tugenda tutandika okubasomesa.

**Paulo:** Nâwe gy'olaga?

**Omus.** Yê! ndi kumpi n'okusitula.





**Paulo:** Onogenda ddi? Nange onontwâla! Tunâgenda ffenna; ngende mbayigirize Akabonero. Anti laba: Ku linnya lya Patri, n'erya Mwâna, n'erya Mwôyo Mutûkirivu.

**Omus.** Kale ndikuddukira. — Obudde bubayisêko. Mwanguwe okugenda ku ssomero.

**Abâna:** (Bakebera ku njuba) E, kati bayingira! Yanguwa Paulo tugende. — Weraba ssebo, ku Sunday ojjanga ewaffe n'otunyumiza ku bantu abo.

## EKITUNDU II: ATEGEZA BAKADDE BE.

**(Paulo ne Yoanna bali wâbwe; Nnyabwe atunga, bo batudde awo).**

**Paulo:** Paulo, ebbaluwa ya mâma ogitadde wa?

**Yoanna:** Mbadde ngyerabidde mu bitabo. (aginônya) Ah, yîno.

**Nnyina:** Ani agibawadde?

**Paulo:** Omuyigiriza y'agituwadde.

**Nnyina** (Asoma nnyo) Bakadde:
Mbategêza olwa lêro abâna abo batûse obudde buyise nnyo. Abanditûse ku ssâwa ebbiri, bâtûse ku ssatu n'ekitundu. Sâgadde kubawa kiboneretzo nze nnyini; naye mbawandîkidde mmwe mubonereze.
(abakuba ekipapula). Kale bâna mmwe, wano mwâvuddewo ssâwa mmeka?

**Abâna:** (banyîbanyîba). Ku emu!

**Nnyâbwe:** Sâbagâna okuzannyira mu makubo? Mwâbadde mukola ki?

**Abâna:** (Banyîbanyîba). Nnyabo, twâsanze Kojja n'atulwîsa. Ate bw'atusîbudde, ne tusanga omusajja omulala ayambadde sapule ennene, ne tumulamusâko nga bwe watugamba. N'atunyumiza ku bantu abatamanyi kukola kabonero ka musâlaba, abatayambala bulungi nga ffe. Kye kyâtulwîsizza. Titukyaddamu!!



**Nnyâbwe:** Sâgala kyêjo! Munnyamuke; timûlye na kya kiro.

**Yoanna:** Nnyabo, enjala etulumye nnyo. Tusâsire; kiryôse tuwe omulimu omulala, oba nga ogwa Arithmetic nga guli gwe bâkoze nga titunnatûka.

**Nnyâbwe:** Mutûle nno mangu ... Mugulabye? Mwanguye. Ate sâgala kulaba nsobi. Eê! Muwulidde! (afuluma).

**Yoanna:** Owange! Tuwonye enjala. N'akalimo atuwadde katono!

**Paulo:** Nze nga gunnemye. Yoanna, wesîmye! Omanyi Aritime. Olibêra muvuzi wa nnyonyi.

**Yoanna:** Mmala ngivûmûla ntyi!!... A,a,a, ndibêra kapitani wa lyâto.

**Paulo:** Nze nja kugenda mu Afrika, ndowôza eyo teri Aritime; Ndisomesa "Kabonero ka musâlaba". Nako kalinnema?

**Nnyâbwe:** Muli mu kwôgera kwokka? omulimo mugumaze?

**Yoanna:** Oyo y'abadde agamba nti ajja kubula agende n'omusajja oli gwe twâlabye, agende mu Afrika gye batakola aritime: mbu kubanga tamutegêra. Mbu alisomesâyo akabonero k'omusâlaba.

**Paulo:** Nze nnyabo, ne bwe gitandinnemye, era nja kugenda nsomese bali abatamanyi Katonda.

**Nnyâbwe:** Kola mangu! sâgala kwekekkeza.

**Paulo:** Mâma nze nja kugenda! Beppo nja kwebba bwebbi.

**Nnyina:** (Ng'afuluma) Kale, kale oligenda. Kati kola mangu omulimo; okudda ng'omaze! (afuluma).

**Paulo:** Owulidde Yoanna? (amusâliza) nze nno nja kukulekawo ngende eri ... mu Afrika.
Nze nno ndikusôka okulaba ku muddugavu.

---

## EKITUNDU III:— EWA KABAKA MIRAMBO.

**(Kabaka atudde mu bulange, buli mwâmi ajja ne yeyala).**

**Omwanjuzi:** Ssabasajja Kabaka, businze! Waliwo omuzungu wano eyetâga okukusaba olusa okuyita mu nsi yo.

**Kabaka:** Ali omu yekka?

**Omwanjuzi:** Yê! Ssabasajja.

**Kabaka:** Alina ebintu bingi nnyo?

**Omwanjuzi:** Abetissi luseregende.

**Kabaka:** Muyite mmulabe.

**Omusaserdoti:** (Ayingira — Yeyala wansi).

**Kabaka:** Ova wa?

**Omusaserdoti:** Ekindêse: kusomesa ensi ezirirânye ensi yo.

**Kabaka:** Abafransa si ba nkwe ng'abalala! (abûlira abâmi be) Lwâki tasomesa muno!?

**Omusaserdoti:** Bakulu bange bwe bandagidde.
**Omwanjuzi:** Bakulu be bwe bâmulagira.
**Kabaka:** Atuwe empôza.



## YOANNA MARIA VIANNEY

Oyo ye Yoanna Maria Vianney (Yoanna Maria Viyanne).

Yoanna Maria Mutûkirivu.

Omutûkirivu ye muntu eyayisa obulungi n'agenda mu ggulu.

Yoanna Maria yali Mufransa.

Bufransa lye lyâli eggwanga lye.

Yali Mukatoliki.

Obukatoliki ye ddîni ye.

Yali Musaserdoti.

Obusaserdoti y'embêra ye.

Yasomanga Missa, yawanga amasakramentu, yayigirizanga abantu.

Yoanna Maria Viyanne yali Mutûkirivu.

Yali asobola okutegêra ky'olowôza.

Yoanna yeswânyûlanga enkoba n'ajja n'omusâyi.

Yoanna Maria Viyanne Mutûkirivu.

Yoanna Maria Viyanne ye Muwolereza wa Ba-bwanamukulu eri Katonda.



## LULE KYESIMBA

LULE KYESIMBA. Erinnya eryo olimanyi? Wali oliwuliddeko?

Lule yali mutabani wa Bakazirwendo, Ssemmandwa.

Bakazirwendo ye kitâwe wa Nnambi Nnantuttululu.

Nnambi ye Kabaka w'e Buganda omubereberye.

Lule Kyesimba naye yawerekera Kalemêra Omulangira.

Kalemêra yali agenda Bunyoro kunônya bintu bye kumala lufubanja.

Kalemêra yali azzizza omusango; kitâwe Ssekabaka Chwa I Nabakka, n'amusindîkiriza e Bunyoro.

Omusango Kalemêra bâmuwâyiriza muwâyirize.

Walusimbi ye yamuwâyiriza nti yasobya ne mukazi we.

Ate Kabaka yennyini ye yasala amagezi ago alyôke awone.

Omwâna we oyo eyamubêbereranga nga tayagala kumuvâko.

Kyesimba yali amanyi eddagala ly'omusujja. Yaguwonyanga.

Ye yajjanjaba n'Omulangira Kimera, Kalemêra gwe yazâlira e Bunyoro.

Kimera yali mutabani wa Kalemêra.

Kalemêra yamuzâlira Bunyoro, ne bamukwêka mu kinnya aleme kuttibwa.

Kimera yatûma Lule Kyesimba erinnya eddala; erinnya yamutûma lya Kasujja, kubanga yawonyanga omusujja.

Kimera yawa Lule ekyâlo: ky'ekyo kye bayita Busujja.

Bakazirwendo yava ku bukulu bw'ekika ky'engeye n'abulekera Kasujja.

Ne kampegâno ye mukulu w'ekika ky'Engeye.